

Ab'e Lubaga nga basala keeki mu kuggulawo eddwaaliro maama Janet Kataha Museveni lye yatongozza.

# Ab'e Lubaga bafunye eddwaaliro

Bya PATRICK KIBIRANGO **Lubaga**

ABANTU mu Lubaga South n'ebitundu ebiriraanyeewo basambira mabega nga jjanzi olw'eddwaaliro mukyala Museveni lye yatongoza mu kitundu kyabwe okutandika okukola mu butongole.

Eddwaaliro lino, muka Pulezidenti yalitongozza ku nkomerero y'omwaka oguwedde nga November 14 2025. Lyatandikiddwa okuyambako bamufunampola naddala abakazi ng'omuntu asasula 50,000/- ne bamussa ku yinsuwa kw'afunira obujjanjabi bwa mwaka

Era asobola n'okusasulira abantu be ku nkola eno kasita abeera mmemba wa Grameen Women Initiative, ekyatandikibwa mukyala w'omukulembeze w'eggwanga Janet Kataha Museveni era minisita w'ebyenjigiriza.

Eddwaaliro lyatuumiddwa, Henry K Grameen Hospital, nga baalibbudde mu Henry Kainerugaba, mukulu wa Janet Museveni.

Omukolo gw'okuliggulawo mu butongole gwabadde ku ddwaaliro kwennyini e Kabowa. Dayirekita waalyo, Musa Mbaziira, yagambye nti, liri ku mulembe ng'omuntu asobola okufuna obujjanjabi obusinga obulungi ate ku ssente ezisembayo obutono.

Yannyonnyodde ekibiina kya Grameen ekizadde eddwaliro lino, nti maama yakitandika n'ekigendererwa eky'okutumbula omukyala aggumire ng'ate alina n'akasente mu nsawo.

Mbaziira yalambuludde nti, Grameen etambudde mu bitundu eby'enjawulo okuva mu Lubaga mwe yagitandikira n'etuuka e Makindye Ssaabagabo, Wakiso, Masaka n'awalala.

Ddamba Kisuze omu ku bakulembeze mu kibiina kya Grameen, yatangaazizza nti eddwaaliro lya bantu bonna, n'asiima maama, Janet Kataha Museveni, Bannagrameen, n'abakulembeze olw'okutuuka ku kkula ly'okuzimba eddwaaliro.

Omusawo ku ddwaaliro lino, Martha Nakyejwe ku lwa banne, yagambye nti, 'saviisi' z'abakyala zonna omuli n'okuzaala baafunye dda ebyuma ebizikolako, eddagala n'abasawo abakugu n'ategeeza nti beetegefu okukola ku bantu n'omutima gumu.

Omu ku bakulembeze mu Grameen, Queen Hellen Butaayi yeeebazizza Katonda n'ategeeza nti okujja kw'eddwaliro lino kugenda kuyambako okukendeeza ku mujjuzo gw'abalwadde mu ddwaliro lya Gavumenti ery'e Kitebi abasinga lye babadde bettanira ennyo mu Lubaga era ne yeebaza Maama Janet Museveni olw'obuwagizi.

Akulira eby'ekikugu mu Grameen, Olivia Kabahumba, yakubirizza abakyala okuggulawo yinsuwa mu ddwaliro era baggulirewo abaana baabwe n'abaami ku 50,000/- eza buli mwaka basobole okuganyulwa.